# D.O.W.B.I

## DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

# CERTIFICATE

## IN MINISTRY

KAMPALA BIBLE
REVELATION CHURCH




# AMAANYI AG'OKUKKIRIZA

**Name/Erinnya**______________________________________________________________

**Located/ Tusangibwa**
* Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]
* Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kaggwa Rd.

# KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE
KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]
COURSE OUTLINE (3 HOURS)

# AMAANYI AG'OKUKKIRIZA

## >OKUNNYONYOLA:

Ekigambo ky'olugereeti **'dunamis'** kitegeeza kubwatuka oba amaanyi oba ekyuuma ekifukuta amasanyalaze.

**Okukkiriza:** Kwe kukkiriza nti Katonda kyagambye ajja kukikola. Abaebbulaniya 11:8.

Okukkiriza kirabo kya Mwoyo Omutukuvu omulokole kyafuna nawangula ensi. (1 Yokaana 5:4)

Okukkirirza kutwalibwa era ku kwatibwa. (Abaefeso 6:16)

## >>EMPAANDIIKA ZA BAIBULI EZ'ENJAWULO KU ABAEBBULANIYA 11:1:

1. KJV – Okukkiriza kye kinyweza ebisuubirwa, kye kiteereza ddala ebitalabika
2. Am.S.V – Okukkiriza ke kakalu ak'ebintu ebisuubirwa, kwe kumatizibwa kw'ebintu ebitalabika.
3. N.I.V – Okukkiriza kwe kubeera nga okakasa ku kintu by'osuubira era nga omanyidde ddala nti ebitalabika bijja.

4. Amplified Version – Okukkiriza ke kakalu, kwe ku kakasibwa, kulinga nga ekyaapa ky'ettaka ly'osuubira, bwe bujulizi obw'ebintu bye tutalaba era nga tuli bamativu nti webiri. Okukkiriza kutegeera nti webiri newankubadde nga tebinalabika mu bulamu obwa bulijjo.

## >>Obukulu bw'okukkiriza:

1. Tulokoka lwa kisa okuyita mu kukkiriza; Abaefeso 2:8
2. Tubeera balamu lwa kukkiriza: Abaggalatiya 2:20; Kabakuku 2:4; Abaruumi 1:17; Abaggalatiya 3:11; Abaebbulaniya 10:38
3. Tasanyusa Katonda na kukkiriza:Abaebbulaniya 11:6
4. Kyonna ekikolebwa awatali kukkiriza kiba kibi: Abaruumi 14:23
5. Tutambula lwa kukkiriza (embeera zaffe): 2 Abakkolinso 5:7
6. Tufuna amaanyi ga Katonda nga tukkiriza: Yokaana 1:12
7. Tusaba na kukkiriza: Makko 11:24; luka 18:8; makko 9:22

## >>Enjuyi ebbiri enkulu ez'okukkiriza:


**Okukkiriza kulina enjuyi bbiri:**

1. Oludda olw'ebikolwa: kuno kwe kukola ekintu kubanga okkiriza Katonda kyagambye (Abaruumi 10:10) era okwatula n'akamwa ko kikolwa. Ekikolwa kino kikiriganya n'ekigambo kya Katonda. (Yakobo 2:14 okweyongerayo).
2. Okukkiriza kwe kukkiriza mu mutima gwo nti Katonda kyoyogera ge mazima.

**Ekikolwa** kye kintu ky'okola ebweru w'omutima gwo.

Okukkiriza okutaliko bikolwa kuba kufu era tekusobola kusanyusa Katonda.

*Ekifanaanyi kino kiraga enjuyi ebbiri ez'okukkiriza nga ez'ekinusu.*




## >>ENJERI OKUKKIRIZA GYE KUJJAMU: (KINO KIKULU NNYO)

- Okukkiriza kulina ENSIBUKO EMU YOKKA: Abaruumi 10:17
- Okukkiriza kujja mu kigera: Abaefeso 4:7; Abaruumi 12:3
- Okukkiriza kukula mu bukulu ne mu kwegatta: Abaefeso 4:13
- Okukkiriza kusumululwa okujja munsi nga kuyita mu kwogera: Makko 11:22-24 and 2 Abakkolinso 4:13

Okukkiriza tulina okukugattako ebintu ebirala kuleete ebibala: 2 petero 1:5, 9-10

## >>Okukola kw'Okukkiriza:

1. Okukkiriza kukola nga Katonda amaze kwogera naffe netukkiriza: Abaruumi 4:16-25; Matayo 8:5-10; Luka 5:1-9
2. Okukkiriza nga kukola ebiseera tebiba bikulu: 2 Bassekabaka 4:15-16
3. Okukkiriza lukolera wamu n'ebikolwa: Yokaana 5:8-9

# NOTES/WANDIIKA